P360/3
LUGANDA
Paper 3
LITULICA
July – August, 2022
3 hours

# UGANDA MUSLIM TEACHERS ASSOCIATION

## UMTA JOINT MOCK EXAMINATIONS – 2022

## UGANDA ADVANCED CERTIFICATE OF EDUCATION

## LUGANDA

***Paper 3***

**(olupapula olwokusatu)**

**Essaawa Ssatu**

**EBIGOBERERWA:**

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu **A**, **B** ne **C**.*
- *Ekitundu **A**, kolamu ekibuuzo kimu.*
- *Mu kitundu **B**, ddamu ekibuuzo nnamba ttaano (5) n'ekirala kimu kyokka okuva mu bitontome.*
- *Mu kitundu **C**, namwo kolamu ekibuuzo kimu.*
- *Ddamu ebibuuzo **bina** (4) byonna awamu.*

© UMTA Joint Mocks 2022

Scanned with CamScanner

## EKITUNDU A

**GWOLULAMBUZA:- KIVUMBI BANTUBALAMU**

1. "Bweza Mukasa akuwadde ezadde"

(a) Ani ayogera ebigambo ebyo era abigamba ani? (Obubonero 2)

(b) Ebigambo ebyo bisimbuddwa mu ssuula ki? (Akabonero 1)

(c) Agambibwa ebigambo ebyo yali akoze ki okutuuka okubimugamba?

(Obubonero 2)

(d) Bulombolombo ki obukolebwa ku balongo ng'omuwandiisi bw'abulaze?

(Obubonero 20)

2. Nnyonnyola ebikolwa eby'ekko omuwandiisi w'olugero luno by'alabika okuba ng'avumirira. (Obubonero 25)

**AGAMYUKA OMUTEZI:- NKATA MUSA MUTYABA.**

3. "Abamu kummwe mubadde mumugaanira naye kambwano, wuuyo mumuwulire bw'asavuwaza n'okulinnyisa omuwendo gw'abazigu- - - "

(a) Ani ayogera ebigambo ebyo? (Akabonero 1)

(b) Lwaki ayogerwako abamu baali bamugaanira. (Obubonero 12)

(c) "Abazigu aboogerwako mu mboozi eyo, kiki ekyali kibafudde "Abazigu"?

(Obubonero 12)

4. Embeera z'obutonde ze sifuula Major Kaberenge ekyenyinyalwa mu Lugero. Kubaganya ebirowoozo. (Obubonero 25)



Scanned with CamScanner

## EKITUNDU B

## PULOOZI

5. Soma ekitundu kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako.

Obubenje obw'omujjirano obwakagwawo bukyanga omwaka gwa 2022 gutandika butadde eggwanga ku bunkenke olw'abantu abasoba mu 200 abafudde n'abalala 450 ababusimattuse n'ebiwundu nga n'abamu bakutuse emikono n'amagulu.

Okuva mu mwezi gwa Gatonya ow'omwaka guno okutuuka mu kafummuula – mpawu, abantu 180 be bafiiridde mu bubenje obusoba mu 500. Alipoota ya poliisi eraga nti we tutuukidde olwaleero, ng'abantu abasoba mu 200 be baakafiira mu bubenje obwo.

Olw'obungi bw'obubenje obususse ensangi zino ate nga bwakumukumu nnyo, kamu ku kamu okusobola okuzuulira ddala ensibuko yaabwo. Akulira poliisi y'ebidduka mu ggwanga Lwrence Nuwabine yategeezezza Bukedde nti, Alipoota enzijjuvu ku bubenje obuzze bugwawo wan_ ı n'abantu ababufiiriddemu ne kwe buvudde bagenda kugifulumya mu bwangu ddala.

Ensonda mu poliisi y'ebidduka zaategeezezza nti ebyakazuulibwawo biraga ebintu 5 obubenje kwe buvudde:-

(a) Obubenje obusinga bwavudde ku mipiira gya mmotoka okwabika ng'emmotoka ziri ku ndiima ekiziviirako okwefuula oluvannyuma ne zitta abasaabaze.
(b) Baddereva okwogerera k ssimu nga bavuga naddala nga baweta amakoona amanene ekibaviirako emmotoka okubava mu mikono ne ziwaba okuva kkubo.
(c) Okuyisiza mu makoona nga gye balaga tebalengerayo ekibaleetera okwambalagana n'emmotoka empanvu naddala zirukululana.
(d) Okutikka obubindo naddala emmotoka ezitambuza ebyamaguzi wamu n'ezo ezitikka abakola mu butale.
(e) Emigangatika gy'emmotoka egitalina kubeera ku nguudo ate nga gitikka abantu.

Omwogezi wa poliisi y'ebidduka mu ggwanga A.S.P. Faridah Nampiima yategeezezza nti mu bubenje buno emmotoka 130 ze zaabubaddemu nga mwe mwali Bbaasi ya Kampuni ya Link wamu ne fuso eyali etwala abasuubuzi mu katale k'omubulo n'etta abantu 6 ate abalala 27 ne bagendera ku bisago ebyamaanyi.

A.S.P. Nampiima yawadde abagoba b'ebidduka amagezi okufuba okulaba nga bakinika mmotoka zaabwe bulungi nga tezinnayingira ku luguudo kuno ssaako

© UMTA Joint Mocks 2022


Scanned with CamScanner

okuwa obupande bwo ku nguudo ekitiibwa, obutavuga ndiima n'okumala gayisa mu makoona, tonywa n'ovuga n'ebirala. Yawadde abasaabaze amagezi okukubira poliisi essimu singa wabaawo ddereeva abavuga n'ekimama.

Yagambye nti batandise ekikwekweto ku mmotoka emigangatika eziri ku nguudo n'abavugira mu bumenyi bw'amateeka. "Bwe tukukwata tukuwa ekipapula kya 100,000 ne tukuggyako ne nnamba ppuleti olwo ne tukuwandiikira ebifu ebiri ku mmotoka yo. Bw'omala okugikola olwo n'odd ku poliisi ne bagitwala ku lunnya n'olyoka oddizibwa ennamba yo" Nampiima bwe yagambye.

**(Biggiddwa mu Bukedde, Lwakutaano May, 27, 2022)**

**Ebibuuzo:**

(i) Omunyumya ategese atya ebirowoozo bye? (Obubonero 6)

(ii) Bw'osoma ekitundu kino kikussa mu mbeera Ki? (Obubonero 5)

(iii) Obunyuvu bw'emboozi eyo omuwandiisi abuggyeyo atya? (Obubonero 5)

(iv) Nnyonnyola bulungi ebirowoozo by'ensonda za poliisi ze bitubikkulira ku bibiirako obubenje ku nguudo. (obuboneo 5)

(v) Leeta ebifaananyi bisatu (3) ebiragiddwa mu kitundu ky'osomye (obubonero 3)

(vi) Mutwe ki ogusaanira emboozi eyo waggulu. (Akabonero 1)

## EBITONTOME

### OMULYAMMERE KKOYI - KIZZA MUKASA.

6. Soma ekitontome kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako.

**<u>ENSIRI</u>**

Olumbe lw'ensiri nze sirulojja.
Olumbe lw'ensiri nze sirutenda,
Olumbe lw'ensiri nga lwansina!

Ekubuza otulo otwo,
Ezunga ebunga nnyo,
Ewuuma ekaaba era ,
Weekuuba weekuba,
Weesiiza weetanwa!



Scanned with CamScanner

Ezaalira mu nsiko eyo,
Ebiikira mu bidiba era,
Yeekweka ebuziizi eyo,
Eyo nno gy'efubutuka,
N'ejja nno ekusiiyiike.

Etulumaaluma ffe abantu,
Egutussaamu omusaayi,
Omusaayi nga mujama,
Ogutulwaza n'omusujja,
Yii, omusujja gw'ensiri.

Ensiri nnyangu okwewala,
Tusaawa ensiko ey'ewaka
Twabye ebidiba ebyo ebibi
Tugule obutimba bw'ensiri.
Tufuuyire ensiri nnamutta!

Nsiri ezo nno nga zituyinze,
Zitulumbye ezo okutuwaata,
Ne twewuliramu enkenyera,
Tetudda mu bino jjo jjuuzi
Tudduke embiro za mbwa,
Tweyune mangu abasawo.

Olumbe lw'ensiri nze sirulojja,
Olumbe lw'ensiri nze sirutenda,
Olumbe lw'ensiri so lwantama?

**Ebibuuzo.**

**(i)** Ani atontoma mu Kitontome kino. (Akabonero 1)

**(ii)** Omutontomi ali mu mbeera ki? (Obubonero 6)

**(iii)** Ekitontome kino kisengekeddwa kitya? (Obubonero 7)

**(iv)** Obuyiiya bw'omuwandiisi bw'eyolekedde butya mu kitontome kino? (Obubonero 8)

**(v)** Obukugu bw'omuwandiisi bweyolese butya mu nzimba y'amaloboozi. (Obubonero 3)



Scanned with CamScanner

7. Nnyonnyola n'ebyokulabirako obutontomi obwoleseddwa Omulongo Kizza Mukasa mu bitontome ebyenjawulo ebiri mu Katabo "Omulya Mmere Kkoyi". (Obubonero 25)

**HOGU BARLOW SSEMATIMBA : ABOOLUGANDA AB'ENDA EMU.**

8. Soma ekitontome kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako.

**OMULEBEESI 1983**

Akeera nnyo n'asitama,
Mukalyango mwabeera,
Nayayuuya n'akamala,
Era talina kyeyeekolera.,
Wabula okuleebeeta
Ng'asuubira obukunkumuka
Ng'embwa wansi w'emmeeza!

Bw'alaba oyo eyeekozesa,
Eyaziggya muntuuyo,
Olwo nno ne yeekomba,
N'akuba pulaani enneemunyaga,
Era ayanguwa mangu nnyo!
N'amuyozaayoza emirimu,
Neyeesesaasesa obuseko,
Alabe ky'amukwakulako.

Bw'afuna ow'emmundu,
Olwo ne yeekola ekigenyi,
N'amuwaana n'akamala,
Era y'amutwala mu bbaala,
N'amuwagira anywe bunywi,
N'omwenge gw'ataguze,
N'amuserengesa ebyalo,
Era y'amusangula entuuyo,
Kumpi kumusangula minyira!

Yaamulaga ow'ensimbi,
N'oyo bwe baayombye,
Mbu be baayeekera fuluku!
Ensi bakola ebyambyone,

N'okuleetawo Vvulugu.

Naye gwe ssebo omulebeesi,
Biki ebyo by'oganyulwa,
Obwa Yuda bw'okola bwaki,
Yadde ensimbi ziwoomerera,
Ze zikusingira ensi yo,
N'abooluganda ab'endayo.

**Ebibuuzo:**

**(i)** Omuwandiisi asaze magezi ki okusobola okuvuza ekitontome kino ng'olumba? (Obubonero 5)

**(ii)** Biki ebifuula ekiwandiiko kino okugwa mu ttuluba ly'ebitontome? (Obubonero 8)

**(iii)** Nnyonnyola obukugu bw'omuwandiisi obweyolese mu nkozesa y'olulimi. (Obubonero 7)

**(iv)** Omuwandiisi atut uusizza atya ku lunyiriri olugamba nti, "N'abooluganda ab'endayo". (Obubonero 5)

9. Nga weesigama ku bitontome eby'enjawulo mu Abooluganda ab'enda emu, nnyonnyola bulungi emiramwa egiri mu bit ontome ebyo. (Obubonero 25)

## EKITUNDU C

## SSEMITEGO OMUYIZZI KKUNGWA:- MERCY MIREMBE NTANGAARE

10. (a) Nnyonnyola bulungi ebikolwa eby'ettima n'obukyayi ebyeyolekera mu muzannyo Ssemitego Omuyizzi Kkungwa. (Obubonero 13)
(b) Lambulula bulungi essomo Omusomi lyayiga okuva mu bikolwa ebyo. (Obubonero 12)

11. Omuzannyo we guggweerako nga buli musomi ategedde Ssemito kyali. T taanya. (Obubonero 25)

## NAMULAN DA :- MAGOBA WALABYEKI

12. "Enkwe za Kaddulubaale nze nzimanyi.
Okimanyi bulungi nti ekkazi eryo lye lyalidde mu kitaawo olukwe? - - - - - - -
Ogukazi ogwo (afujja ) gwe gwasaze olukwe - - - - - - -"

(i) Ebigambo ebyo bisimbuddwa mu kitundu ki eky'omuzannyo? (Obubonero 2)

(ii) Menya amannya g'abantu ababiri abaali mu kaboozi ako waggulu. (Obubonero 2)

(iii) Emboozi eyo enyumizibwa evudde ku ki? (Obubonero 5)

(iv) Enkwe za Kaddulubaale ziragiddwa zitya mu muzannyo? (Obubonero 16)

13. Omuzannyo guno gujjudde omulugube, enkwe n'obulimba obwali busenkenyezza abantu ba Kaco ako. Ebiri mu muzannyo bitwoleka bitya kino? (Obubonero 25)

**"BIKOMYE WANO"**

© UMTA Joint Mocks 2022



Scanned with CamScanner